# Kiki ekivaako abasajja abalina akawuka ka siriimu okufa amangu okusinga abakyala

## BUUZA OMUSAWO

**DR. Nelson Musoba, akulira ekitongole ekikwanaganya emirimu ku nsonga z'akawuka ka siriimu mu ggwanga ekya Uganda Aids Commission annyonnyola lwaki abaami bafa nnyo akawuka ka siriimu okusinga abakyala. Agamba nti :**

Buli mwaka, kizuulibwa ng'abakyala bangi bakwatiddwa akawuka ka siriimu, kyokka nga wadde guli bwegutyo bwe kituuka ku muwendo ogusinga okufa siriimu weesanga ng'abasajja be basinga okufa okusinga ate ku bakyala.


Okugeza mu mwaka gwa 2024 ne 2025, twalina omuwendo gwa bantu 37,000 abaali bakwatiddwa akawuka ka siriimu. Nga ku bano 21,000 baali bakyala,12,000 nga basajja ate abaana baali 4,000.

Kyokka bwe kyatuuka ku baafa twalina omugatte gwa 20,000.Nga 8,700 ku bo basajja ate abakyala bali 8,200 n'abaana bali 3,000.

**Kiki ekivaako abasajja okufa ennyo?**

Kino kiva ku nneeyisa y'abasajja okwesuulirayo ogwannagamba mu kufuna obujjanjabi mu malwaliro nga bukyali.

Abakyala beefaako mu kufuna obujjanjabi okusinga abasajja. Kino kijja olw'okubanga abakyala bagenda nnyo mu malwaliro naddala mu biseera nga bali embuto, eno babakebererayo akawuka ka siriimu ekibayamba okutandika eddagala nga bukyali.



Dr. Nelson Musoba akulira Uganda Aids Commission.

Era wano kigambibwa nti, abasajja balina obudde butono obukyalira amalwaliro nga n'abasinga ku bo okugenda mu ddwaaliro bamala kugwa ku ndiri, era abasajja abamu bagenda okubakebera akawuka ka siriimu nga kamaze okusaasaanira omubiri gwonna nga gumaze n'okunafuwa.

**Nsonga ki ezigaana abasajja okugenda mu malwaliro?**

- Mu bitundu ebimu kiwanuuzibwa nti, abasajja balina kuba ba maanyi, nga bavumu ate nga tebeemotyamotya. Kati okumuwulira nti, yagenze okufuna obuyambi ku ddwaaliro nga bwekuusa ku bintu ebibakkakkanya ng'akawuka ka siriimu olumu kaba kabonero akalaga obunafu mu musajja oyo era bamuyisaayisaamu amaaso.

Kino kivaako abasajja bangi okulwawo okugenda okwekebeza oba okwewala okugenda mu malwaliro.

- Abalala batya ebiyinza okuddirira singa bakabatema nti, ddala kituufu balina akawuka ka siriimu nga basuubira nti, bajja kubaboola, abalala bannaabwe babasekerere oba bagubasalire.

Okulwawo okwekebeza kya bulabe, kubanga obujjanjabi bw'akawuka ka siriimu bukola bulungi singa butandikibwako mu bwangu nga oli yaakakafuna, okusinga okutandika obujjanjabi ekikeerezi.

**Dr. Nelson Musoba nga bwe yabitegeezezza KHASIFAH NAAVA.**